# »Okwongera omutindo kubinyeebbwa wamu n‘okufunamu omutindo ogusinga«

Ebinyeebbwa bisinga kulimibwa mu bugwanjuba bwa Kenya era biyisibwa mumitendera egyenjawulo okuva mu kukungula okutuusa lwebiba nga bibw‘atuukirira.

Okwongera omutindo ku binyeebbwa kikolebwa nga bikolebwaamu ekipooli ekikozesebwa mukusiiga. Okutegeera sizoni kyamugaso kubanga ebinyeebbwa birimwa mu sizoni. Ebinyeebbwa bitera kulira mubanga lya nnaku 130-150 okusinziira singa biba nga biranda oba nga tebiranda. Ebiranda bimanyiddwa nnyo kulwoobutabi bwaabyo obuwanvu wamu n‘ebinyeebbwa ebiriko ate nga ebitalanda byo ebinyeebbwa bimera kubulandira bwaabyo ebitono.

## Okwongera omutindo ku binyeebbwa

Omutendera ogusooka mu kwongera omutindo kwekuwewa wamu n‘okusiika ebinyeebbwa ekikolebwa okuyita mu munkola oguyitiwa okusiika. Enkola eno erimu ebinyeebbwa okusiikibwa muntamu ey‘etoloola ebugumizibwa ku bbuguma lya 426.6°C. Ebinyeebbwa bisiikibwa okutuusa ku bbugumu lya 100°C okumala eddakiika 40-60 okukakasa nti byonna biyidde.

Oluvanyuma lw‘okusiika, ebinyeebbwa biwozebwa okutuusa kubbugumu ely‘ekigero lya 25°C oluvanyuma bisobola okususibwa oba okusiikibwa nga bwebiri.

## Okusekula ebinyeebbwa

Ebinyeebbwa bisekulwa okusobola okufuna ekipooli oluvanyuma lw‘okususibwa. Ekyuuma kiteekebwaamu ebinyeebbwa bitonotono era nga kino kitwaala obudde bungi naddala nga ot‘ekateeka ekipooli kyingi.

Ekisembayo, oluvanyuma lw‘okusekula nga kuwedde ekipooli kirekebwa okuwola okumala esaawa 36 nga tekinaba kuterekebwa mumikebe emiyonjo naye ate mumakolero amanene ekipooli kitekebwa mukyuuma ekiwoza era nekitekebwa mumikebe.